



# Enfuddu na Akamyu mu mpaka Ennene

Byawandiikibwa: Joyce Catsimpiris
Ebifaananyi bya: NAI




Akamyu ne Enfuudu bibeera mu kibiina. Akamyu kagamba nti ke kasinga okudduka emisinde. Enfuddu egamba nti bulijjo by'etandika ebimaliriza.



Akamyu kajooga Enfuddu kubanga elwawo nnyo. Olunaku lumu, Enfuddu yagamba nti, “Bw’oba olina sipiidi ka tuvuganya. Nkusoomooza mu mpaka!” Akamyu kagamba nti, “Nga kusaaga! Kino kijja kuba kyangu okuwangula."



Ebisolo byonna bikuŋŋaana okulaba emisinde. Empeewo egamba nti, “Enfuddu tegenda kuwangula Kamyu Empaka zino si za bwenkanya!” Efulungu li cwacwana nti, “Nsuubira nti alina enteekateeka. Nkooye okuwulira Akamyu nga kewaanira ku sipiidi yako.”




“Ku kabonero ko, weteketeke, genda!” Ekibe bw’ekyawogana Akamyu kabuuka mangu wala ne kayita ku Enfuddu.

Enfuddu yagendela ku sipiidi yayo.




Mu kaseera katono Akamyu kali kakulembede era kasalawo okuwummula. Akamyu kasanga ekifo wansi w'omuti era mu bbanga ttono Ne kazibiliza amaaso ne kebaka.



Mu kaseera ako, Enfuddu yeyongela mu maaso n'okutambula ku luguudo luno.  Enfuddu yalowooza nti, "Siyinza kuggwaamu maanyi." Mu bbanga ttono, yafuna obukulembeze ng'eyita ku Akamyu akebase.



Nga wayise akaseera, Akamyu kazuukuka okuva mu tulo. Ne katunula emabega, naye tekalaba Enfuddu. Ne kadamu okudduka emisinde, naye bwe katuuka ku kitundu ekisembayo kumutendera...




...ne kalaba Enfuddu nga ekulembedde. “Genda! Enfuddu Genda!” Ekibe, Empeewo, ne Efulungu nga bye biwaga. Akamyu kali kikelezi nnyo. Enfuddu yasala layini y’okumaliriza.




“Enfuddu teyagwaamu manyi. Mpola mpola n’obugumu awangula emisinde,” Ekibe byekyagamba.



2026.06.11

FRIENDS PEACE TEAMS

**Literacy for Peace and Justice**

www.friendspeaceteams.org/fbc

Some rights reserved. This book is Creative Commons BY-SA 4.0 licensed. You may copy, modify, distribute, or perform the work, even for commercial purposes, without asking permission. For full terms of use and attribution, see https://creativecommons.org/licenses/by -sa/4.0/

NEST-USA, Inc © 2018 distributed under the CC BY-NC 4.0 license.